NOS AUTEM CHRISTUM PRAEDICAMUS CRUCIFIXUM

# MASAKA DIOCESE

OFFICE OF THE BISHOP

Bishop's House, P. O. Box 70, Masaka, Uganda (East Africa)

10 November 2025

Abasaserdooti, Bannaddiini, n'Abakristu obukristu,

Masaka Diocese,

## ENFUNA YA KOMUNIO MU SSAZA LY'E MASAKA

Abooluganda, emirembe gya Mukama waffe Yezu Kristu gibeere nammwe!

Mu Katekismu tuyiga nti Ukaristia lye Ssakramentu omuli Mukama waffe Yezu Kristu yennyini: omubiri gwe, n'omusaayi gwe, n'omwoyo gwe, n'obwakatonda bwe, mu kifaananyi eky'omugaati n'eky'evviini. Ukaristia y'ensibuko, gwe mutima, era y'entikko y'obulamu obukristu n'okusinza mu Eklezia; gwe musingo gw'okuzuukira n'ogw'obulamu obutaggwaawo Omukristu bwe yeesunga. Amasakramentu amalala gonna n'obutume bwonna mu Eklezia bwetooloolera era busonze ku Ukaristia (CCC 1324). Ukaristia si kabonero bubonero, wabula kubeerawo kwennyini okwa Mukama waffe Yezu Kristu.

Okufuna Yezu Kristu kuyitibwa okufuna Komunio, oba kusembera. Mu kufuna Komunio tweyunga ku Kristu oyo atuwa okugabana ku Mubiri gwe n'Omusaayi gwe, ffenna ne tuba omubiri gumu (CCC 1331).

Wano mu Ssaza lyaffe, tumaze ebbanga nga tulina eddembe okufunira Omukama mu kibatu, ate naddala oluvannyuma lw'okubalukawo kwa Lumiimamawuggwe (COVID 19). Mu Sinodi VI ey'Essaza lyaffe, twalabye nti obudde butuuse tuddeyo ku ngeri eyasooka: **OMUKRISTU EYEETEGESE OBULUNGI, WONNA MU SSAZA LY'E MASAKA, ASEMBERERE KU LULIMI, NG'AFUKAMIDDE OBA NG'AYIMIRIDDE**.

Asazeewo okusembera ng'ayimiridde, ayimirire butengerera mu ngeri ewa Omukama ekitiibwa. Obusowaani bwa Komunio (*Communion Plates*) bukozesebwe okwewala Omukama okugwa oba okukunkumukira wansi. Tujjukire ate ebyetaagisa okusembera obulungi: obutaba na kibi kya lumbe; okulowooza ng'ogenda kufuna Yezu Kristu; obutalya mmere oba ekinywebwa kyonna, okuggyako amazzi, ng'esigadde essaawa emu okutuuka lw'onoosembera; n'obutanywa bitamiiza ng'esigadde essaawa ssatu okutuuka lw'onoosembera. Abasaserdooti, Bannaddiini n'Abasomesa mwongere okuteekateeka Abakristu mu nsonga eno.

**N.B.** Asembeza, Klezia Nnyaffe amuwa obuvunaanyizibwa n'eddembe okulamula oba azze okufuna Omukama yeetegese mu ngeri esaanidde oba nedda.

+Serverus Jjumba
**Omusumba w'Essaza ly'e Masaka**